

0kwewala okufiirizibwa oluvannyuma lw'amakungula: 0kuKaza,okwekebejje,okulongoo sa n'okugezesza.

Obutwa obuyitibwa (Aflatoxins) buletebwa obukuku obusangibwa mu mmere era emmere weba teterekeddwa bulungi esobbola okuvirako ekibumba okwonooneka ne kokolo.0mutindo gusobola okuumibwa nga tukozesa enkola erimu okwanika,okwekebejja,okulongoosa n'okugezesza.

Mukusokera ddala ,empeke zikaze nga tonazitereka.Obuweweetu obulagibwa mu kutereka ensigo buba ku kipimo kya 12% oba okukka ate ku nsigo ezirina lubutto okugeza ng'ensiggo za soya,obuweweetu obulagirwa buli ku kipimo kya 10% oba okukka era oluvannyuma lw'okukaza,empeke ziteeke mu bukutiya ebutalina bituli era obusaanike bulungi busobole okuterekebwa.Eky'okubiri,wekebejje ekizimbe empeke wogenda ozitereka era ozibe buli katuli kolabye mu kizimbe.Kinno kiziyiza amazzi g'enkuba okutonnya mu nnyumba nga gayita mu kasolya n'ebitonde ebyonoona emmere y'empeke okuyingira.Era empeke eziteereddwa mu bukutiya togitereka wansi.

Obuyonjo n'omuddo oguteetagibwa

Longoosa ekiffo awaterekedwa era buli kiseera wekebejje wo ng'okyetoloola okukakkasa nti tewali muddo gummeze.Kinno kiziyiza ebuwuuka n'ebitonde ebyonoona emmere y'empeke okubeera mu kiffo ekkyo.

Ekiffo awaterekeddwa empeke toteeka mu mikebe gy'eddagala erifuuyirwa erita ebiwuka,ebirongoosa ebikozesewa,empeke ezirumiddwa obuwuka n'engoye.

Gezesha empeke buli kaseera okusobola okumalawo obuzibu obutono nga tebunafuuaka bunnene.Kebera empeke zo oba zirimu obukuku,era obuweweetu oba bususe ogateko okunonnye obutuli oba awayulise n'obuwuka mu bukutiya bw'empeke.Ebukutiya webusangwa mu obuwuka obulya ensigo ,okufuuyirwa kuyinza okwetaagibwa okusinzira ku bukosefu obuwuka bwebuleese ku mpeke.